Luganda Joshua




# EKITABO

KYA

# YOSUWA.

---

MU LUGANDA.

---

London:

BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY.

1893.

JOSHUA IN LUGANDA.

Zgan
893j

# EKITABO

## KYA YOSUWA.

---

### 1.

Awo Musa, omwereza wa Yakuwa, bweyamala 1
okufa, Yakuwa namugamba Yosuwa, omwana wa
Nuni, omwereza wa Musa, nga ayogera, nti, Musa, 2
omwereza wange, afude ; kale kakano golokoka,
osomoke *omuga* guno Yolidani, gwe, nabantu bano
bona, *muingire* mu nsi gyembawa bo, abana ba
Israeli. Buli kifo kyemulirinyamu ekigere kya- 3
mwe, nkibawade mwe, nga bwenamugamba Musa.
Okuva mu lukola *nolusozi* luno Lebanoni, okutuka 4
ku muga omunene, gwe muga Eyufalate, ensi yona
Eyabakiti, era nokutuka ku nyanja enene ku luwi
olwebugwanjuba, we waliba ensalo yamwe. Tewa- 5
libera muntu yena aliyinza okuimirira mu maso go
enaku zona ezobulamu bwo : nga bwenaberanga
ne Musa, bwentyo bwendibera nawe : sirikuma
gwe, so sirikuleka. Damu amanyi, guma omwoyo : 6
kubanga gwe olibasikiza abantu bano ensi eno gye-
nalairira bajaja babwe okugibawa. Naye mala 7
okudamu amanyi nokuguma enyo omwoyo, okwe-
kuma okukola nga mu mateka gona, Musa, omwe-
reza wange, geyakulagira : tokyamanga okugaleka
ku mukono ogwa dio newakubade ogwa kono,
olioke owebwe omukisa buli gyonogendanga yona.
Ekitabo kino ekyamateka tekiriva mu kamwa ko, 8
naye onokirowozangamu emisana nekiro, olioke